

Okwatula Ekibi (Confession of Sin)

Luganda – English

1

Okwatula Ekibi	Confession of sin
Emmeeme bwe beeramu omubiri kikakasa nti omukkiriza Omukristaayo ajja kuba n'bouzibu bw'ekibi munda mu ye obulamu bwe bwonna ku nsi. Ekibi kino kireeta obuzibu bw'amaanyi nnyo mu nkolagana y'omukkiriza ye ne Mukama. Kigambibwa Omwoyo Omutukuvu "anakuwazibwa" era emirimu gye "gizikizibwa" n'ekibi ky'omukristaayo.	The presence of the sin nature in the soul guarantees that the Christian believer will have a problem with active personal sin for the rest of his life on earth. This personal sin causes a deep disturbance in the believer's personal relationship with the Lord. The Holy Spirit is said to be personally grieved, and His work quenched by a Christian's sin, or by his attempt to live outside of the will of God.
Buli mulundi lw'oyonoona tekitegeeza nti obulokozi obufiirwa, okukula kwo n'amaanyi go biziyizibwa bwe mubaamu olunyaafa mu kussa ekimu ne Katonda. Olunyaafa luno luwona bw'oyatulira Katonda ekibi ekyaleese okumenya amateeka.	While you do not lose your salvation each time you sin, your personal growth and effectiveness are stifled as long as there is a rift in your fellowship with God. This rift is healed when you personally confess to God the sin which caused the breach.
Okwatula ebibi. Si gw'emusingi gw'obulokozi. Yesu Kristo yasalirwa Omusango Omulundi gumu olw'ebibi byaffe, ku musalaba; era teyetaaga kusalirwa musango buli kiseera olw'ebibi byaffe. Omusingi gw'obulokozi bwe bwesige bwo mu Kristo n'emirimu gye, okusinga okwatula oba ekikolwa ekirala ky'oyinza okukola okugezaako okuwangula obuganzi bwa Katonda. Bik. 16:31; Yok. 1:12 Bef. 1:13; 2:8,9; 1Peet 2:24, 2Bak 5:21	Confession of sins is not the basis of salvation. Jesus Christ was judged once for our sins, on the cross; and He does not need to be judged repeatedly for our sins. The basis of salvation is your personal trust in Christ and His work, rather than confession or any other act which you might perform to try to win the favor of God. ACTS 16:31; JOHN 1:12; EPH. 1:13, 14; 2:8, 9; 1 PET. 2:24; 2 COR. 5:21.
Omukristaayo bulijjo abeera "mu Kristo" Bef 1:3,5,7. Kale okwatula ekibi kyaffe kikulu nnyo olw'enkolagana ey'omwoyo gy'olina ne Katonda. Katonda atwagaza okwatula ekibi nga engeri y'okukuuma entambula yaffe naye nga enywedde. Atwagaza kweyongera kumanya obufuzi bwe; era okwatula ekibi y'engeri gy'olagamu okugonda n'okwewaayo eri okwagaka kwa Katonda ku musingi ogwabuli kiseera. Mukama ayagala gwe obeere n'obulamu obw'omugaso, ng'omusanyufu era emu ku nteekateeka ye okufuna obulamu obufanana bwebuti kwe kwatula ekibi	A Christian is always in Christ. EPH. 1:3, 5, 7. So confession of personal sin is extremely important to the personal spiritual relationship that you have with God. God requires confession of sin as the means of maintaining a close personal walk with Him. He requires a continual acknowledgment of His rulership; and confession of sin is the means by which you express your yielding and surrender to the sovereign will of God on a moment by moment basis. The Lord wants you to have a very useful and happy life, and part of His plan for providing this sort of life is confession of sin.
	<p>Etymology of the Word Confession</p> <p>The word confession in 1 John 1:9 is the Greek verb oJmologew (homologeō). This word, and its derivatives, is a common term in ancient Greek and Hellenic speech, in the Septuagint Greek of the Old</p>

Okwatula Ekibi	Confession of sin
	<p>Testament, and in the New Testament Koine Greek. It means, literally, to say the same thing; to agree in statement.</p> <p>Xenophon uses the phrase homologoi genesthai, to agree in statement. Herodotus, similarly, has the phrase glossan homologein, to speak the same language. The word also appears quite often in the passive voice to say such things as all men are agreed on the statement.</p> <p>So in reviewing the ancient usages, there are found a number of such defining statements, for example:</p> <ul style="list-style-type: none"> ..to agree to the statement of another to confirm the receipt of money to agree to a proposal to agree to or accept a promise to agree with or to adopt social customs <p>So homologeo or homologia imply consent to something felt to be valid, and in such a way that the agreement is followed by definite resolve and action, by ready attachment to a cause.</p> <p>From Kittel: The aim in homologia is not a theoretical agreement which does not commit us, but acceptance of a common cause. And, "homologeo means that, "I agree with someone on something; and it embraces both the fact and event along with the act and action in which I bear witness to the agreement."</p> <p>Thus, in the Christian's life, confession of sins is based on an established agreement and personal acceptance of God's divine sovereignty, which includes His right as creator and Father to set the standards by which Christians must live.</p>
<p>Katonda atuzamu amaanyi okwatula Omukkiriza atandiika ayinza obutamanya nti kisoboka okubeera ebweru w'obumu era nga yetaaga okwatula ekibi. 1Yok 1:6; 2:9,10; 2Pet 1:9. Katonda alagira era atukubiriza okwelamula, okwatula, n'okwerabira ebibi. Isa. 43:26, 1Bak 11:28, 31, 1Yok 1:9; Baf: 3:13,14, Engero 1:23. Omuntu yenna asoma Baibuli mangu n'embiro amanya ebigenderewa bya Katonda mu nsonga eno.</p>	<p>The Lord Encourages Confession</p> <p>A novice believer may not be aware that it is possible to live out of fellowship and that he needs to confess sin. 1 JOHN 1:6; 2:9, 10; 2 PET. 1:9. God both commands and pleads with us to judge ourselves, to confess and then to forget sins. Take a look at: ISA. 43:26; 1 COR. 11:28, 31; 1 JOHN 1:9; PHIL. 3:13, 14; PROV. 1:23. Any person who reads the Bible quickly becomes aware of God's intentions in this matter.</p>
<p>Abakristaayo abamu balagajjalira ekiragiro ky'okwatula, n'ekitwala Katonda okutuuka okukozesa enkola y'okukusikiriza ng'akuzaamu amaanyi okugonda. Enkola zino zirimu:</p>	<p>Some Christians willfully ignore the commands to confess, leading God to employ more persuasive measures to encourage us to comply. These methods include:</p>

Okwatula Ekibi	Confession of sin
<ul style="list-style-type: none"> • Okubulwa emirembe gy'omunda, Baf 4:6,7 • Okukangavvula, Beb 12:6. • Okulumirizibwa mu mwoyo, Beb 13:18. • Ennaku olw'ekibi Zab 32. 	<ul style="list-style-type: none"> • Loss of inner peace, PHIL. 4:6, 7 • Chastening or discipline, HEB. 12:6 • Pricking of conscience, HEB. 13:18 • Sorrow for sin, PSALM 32.
<p>Abakristaayo abamu banyooma okukangavvula okumala ekiseera ekiwerako okutuusa Katonda lwakola, ku "kibi ekireeta okufa" ekikolebwa mu kifo ky'okwatula kwe kukangavvula Beb. 12:1-5.</p>	<p>A few Christians manage to ignore even severe chastening for a long time, leading to God's administering the sin unto death. The alternative to confession is discipline. HEB. 12:1-5.</p>
Engeri okwatula ekibi gye kukolamu	The Mechanics of Confession of Sin
<p>Okwatula tekukuwa bbeetu ya kwonoona. Endowooza egamba nja kwatula buli lwenayonoona kubanga Katonda anansonyiwa" ekyo mu kyo kibi kubanga kiraga nti omukkiriza aba talowooza ku kibi kye kye kimu nga Katonda bwakilowoozako. Ekyo kiba kitegeeza, tewaba kwenenya kwa nnamaddala oba okwatula.</p> <p>Era okwatula ekibi tekuggyawo bukakanyavu bwa mutima gw'omuntu eyayawukana ku Katonda okumala ekiseera ekinene. Okujjawo enkovu eno kituukirizibwa okuyita mu kuzimbibwa, enkola ya Baibuli okutegeera n'okuteeka munkola ekigambo kya Katonda.</p>	<p>Confession does not provide you with a license to sin. The idea that I can sin and confess repeatedly because God will always forgive is sinful in itself because it indicates that the believer does not actually think the same about his sin that God does. No real repentance or confession is shown.</p> <p>Confession of sin does not remove the buildup of callousness or hardness in the soul of the person who has lived apart from God for a long time. This removal of scar tissue is accomplished through edification, the Biblical system for understanding and applying the Word of God.</p>
	<p>Confession of sin does not remove the buildup of callousness or hardness in the soul of the person who has lived apart from God for a long time. This removal of scar tissue is accomplished through edification, the Biblical system for understanding and applying the Word of God.</p>
<p>Okwatula ekibi tekutuwa kukyamukirira olw'ebyo byetuyitamu wadde okutambula n'endowooza y'okukyamukirira. Okusonyiwa kwa Katonda kusinziira kukusuubiza kwe okunaaza, so tekusinzira ku ngeri omuntu gyeyawuliramu. Era, okutula tegyaawo bulumi oba okubonabona okuleeteddwa ekibi kyennyini oba ebyo ebyagya nga bireeteddwa okukangavvula kwa Katonda. Newankubadde ekikolimo kifuulibwamu omukisa, okubonabona kuyinza okweyongera; naye okubonabona buyinza okugumikirizika olw'ekitiibwa kya Katonda wakiri.</p>	<p>Confession of sin does not give you an emotional experience, nor is it accompanied by an emotional reaction. God's forgiveness is based on His promise to cleanse, not on how a person feels. Confession does not always remove the pain or suffering which is the result of the sin itself or which came as a result of divine discipline. The cursing is turned to blessing, the suffering may continue; but the suffering may be endured to the glory of God instead.</p>
<p>Abakristaayo abamu bagezaako okudda ku luuyi lwa Katonda olulungi okuyita mu ngeri ezimu okusinga okwatula okwaweebwa Katonda. Emirundi egimu omuntu alowooza nti okulaga ennaku kyetaagisa, ob anti okuwoloma kujja kusikiriza Katonda awamu n'okubonerera kwe. Abalaba "bawaayo" olw'ekibi</p>	<p>Some Christians try to get on God's good side through some means other than the confession which is prescribed by God. Sometimes a person thinks that a demonstration of sorrowfulness is called for, or that weeping will impress God with one's contrition. Others compensate for their sin by</p>

Okwatula Ekibi	Confession of sin
<p>kyabwe nga beyongera mu bikolwa byabwe eby'eddini. Abamu beyongera okusaba ennyo n'okusoma Baibuli ennyo. N'abamu bagezaako okugula Katonda n'okuwa ekimu eky'ekkumi ekikubisidwaamu ne biweebwayo, oba okweganisa, saddaaka, oba obuweereza. Abandi beragira mu buweereza obw'okwewaayo n'okubeera mu buli mikolo gy'ekkanisa. Naye ebintu bino tebisobola kudda mu kifo ky'okwatula ebibi. Katonda kyasinga okwagala mu muntu y'endowooza ye ku kibi.</p>	<p>increasing their religious activities. Some will pray more often and longer and read their Bibles more. Some will try to bribe God with additional tithes and offerings, or with acts of self denial, sacrifice or service. Some will present themselves in re dedication services and attend church functions more often. These things cannot be substituted for confession of sin. God is interested only in a person's mental attitude toward the sin.</p>
<p>Ekigambo "okwatula" mu Ndagaano Empya kigibwa mu kigambo ky'oluyonaani (homologeo), ekitegeeza "Okuzuula", "Okutuuma" "Okuteeka ku muwendo gwegumu", "Okukkiriziganya ne", "Okwogera ebintu kye kimu nga". Okwatula kumanya bufuzi bwa Katonda mu nsonga era kukkiriziganya n'emisango gye.</p>	<p>The word confession in the New Testament is taken from the Greek word (homologeo), meaning to cite, to name, to classify in the same manner, to agree with, to say the same thing as. Confession acknowledges God's ruler ship in the matter and agrees with His judgment.</p>
<p>Eno nkola yakukola ku kwawukana ebibi okujja olw'ebibi ebitalaeta tendo okugatta ku muntu ayatula. Mu mazima kino kuweebwa kisa Katonda mwayima okuwa ekisuubizo okukola omulimu gw'okutukuza. Omurksitaayo alina</p> <ul style="list-style-type: none"> • Okwatula ekibi, 1Yok 1:9. • Okwerabira ekibi, Baf 3:13,14; ne • Okwesala ku kibi Beb 12:15. 	<p>This is a method of dealing with the disharmony caused by sins which causes no merit to accrue to the person who confesses. It is strictly a grace provision in which God makes a promise and carries out the function of cleansing. The Christian must confess the sin, 1 John 1:9; forget the sin, Phil. 3:13, 14; and isolate the sin, Heb. 12:15.</p>
<p>Olw'okuba okusaba kukolebwa eri Katonda, Kitaffe (Makko 2:7), okwatula kukolebwa eri Katonda Kitaffe yekka. Ku kakwakkulizo k'okwatula, okusonyiyibwa kwasubizibwa n'okunaazibwa okuva mu butali butuukirivu kuteekebwa mu nkola (1Yok 1:9). Ekigambo "Okunaazibwa" kyogera ku kugibwaako omusango gw'ekibi. N'olw'ekyo, Omuntu anaaziddwa ajjibwa okuva mu kakwakkulizo k'okukangavvulwa, okubonerezebwa tekukyatereddwa mu nkola, n'emiziziko eri obuweereza obw'Omwoyo Omutukuvu gijjidwaawo.</p>	<p>Forgiveness of sin is only from God(Mark. 2:7)and confession is made only to God the Father. Upon the condition of confession, forgiveness is guaranteed and cleansing from all unrighteousness is administered (1 John 1:9). The word cleanse refers to the removal of the guilt of the sin. Therefore, the cleansed individual is removed from the condition of discipline, chastening is no longer being administered and the hindrances to the ministry of the Holy Spirit are removed.</p>
<p>Waliwo amakulu g'ebigambo mangi mu Baibuli agafaanana ekigambo "okwatula" nga gano wammanga":</p> <ul style="list-style-type: none"> • Okwewaayo kitegeeza okwatula Bar 6:13 • Okweyambula omuntu owedda, kyenkanankana n'okwatula. Bef 5:14. • Okwesalira Omusango kwatula, oba kitutuusa ku kwatula. 1Bak 11:31. • Okuwaayo omubiri gwo kifaanyirizibwa ku 	<p>There are several synonyms in the Bible for the word "confess", as follows":</p> <ul style="list-style-type: none"> • To yield means to confess. ROM. 6:13. • Putting off the old man, is tantamount to confession. EPH. 4:22. • Judging oneself is confession or leads to it. 1 COR. 11:31. • Presenting one's body is analogous to confession. ROM. 12:1.

Okwatula Ekibi	Confession of sin
kwatula. Bar 12:1.	
<p>Ennono ezijibwa mu njgiriza y’okwatula Okutambulira okumpi ne Katonda kuli mu buliwo, ekikolwa mwobeerera omunywevu ennyo mu nkolagana yo ne Mukama, Omunywevu ennyo mu kwatula ekibi. Okwatula kwo kwennyini tekuleetera muntu kukula mu Kristo, tewayinza kubaawo kukula mu mwoyo omuntu muolw’obutatula kibi. N’olwekyo, okwatula kuteekawo eddaala ely’okweyongerayongera mu bulamu bw’ekikristaayo. Obuweereza bw’Omwoyo Omutukuvu kusigamiziddwa ku bumu obutataganyiziddwa, kale okukula kw’omukristaayo kwesigamye ku mulimu gw’Omwoyo Omutukuvu ogutaziyiziddwa.</p> <p>Okwatula kuggya omukkiriza mu kifo wasavuwarira omutima, ne kumuzaayo mu kifo wafugirwa Omwoyo Omukuvu. Nolongoosebwa okufuulibwa ekibya ekya zaabu, ffeeza\ n’amayinja ag’omuwendo” Okusinga okufuuka ekibya eky’omuti, essubi, n’ebisasiro”.</p> <p>Gy’okoma okuyiga ku njgiriza entuufu ey’okwatula, gy’okoma okweyongerayongera mu okwawula ku mbeerayo ey’obulamu. Ojja kutuuka okumanya oba nga okulemberwa Omwoyo Omutukuvu; era otuuka okumanya eky’okukikolera bw’oba tokulembeddwa Mwoyo. Era otuuka okuzuula omubiri mu balala; naye otuuka okugumiikiriza abantu abalala kubanga okimanyi bulungi ng’okuymirira kwo kwesigamiziddwa okusinga ku kisa kya Katonda.</p> <p>Omwoyo Omutukuvu, obw’obuntu bwe n’emirimu gye.</p> <p>Baibuli eyigiriza nti Katonda ali omu era nga tewali Katonda mulala. Baibuli era erambika bulungi enjawulo wakati w’obwa Katonda Kitaffe, Omwana n’Omwoyo Omutukuvu ekimanyiddwa nga obusatu bwa Katonda.</p> <p>Ekitundu kino kitegekeddwa okusengeka ebyawandiikibwa ebyogera ku Mwoyo wa Katonda okulaga (1) nti Omwoyo Omutukuvu muntu, alina embala z’obuntu; (2) nti Omwoyo Katonda, nti alina embala zonna ezitaggwaawo eza Katonda; era (3) nti alina ekigendererwa, obuweereza obwaddala mu nsi mu mulembe gw’ekkanisa, okusingira ddala mu bulamu bw’abakristaayo.</p>	<p>Principles Derived from the Doctrine of Confession</p> <p>Walking closer to God is, in reality, an activity in which you are more consistent in your relationship with the Lord, more consistent in your confession of sin. While confession does not, in itself, cause one to grow in Christ, there can be no growth in the Spirit as long as one is out of fellowship because of unconfessed sin. Therefore, confession sets the stage for progress in the Christian life. The ministry of the Holy Spirit depends on uninterrupted fellowship. So Christian growth depends on the unhindered work of the Holy Spirit.</p>